ENNYINGO - 12

AKASASAMALO "NAMBA 9", 1949

12.1 Akasasamalo Akokubiri "Namba 9" mu Buganda

Paulo Kiyingi okumuwangangusa tekwamumalaamu mawaggali. Yayongera okufuna emitawana n'abaami ba Gavumenti mu byalo. Oluusi nga buba busangosango obwekuusa ku bintu nga obutatuukiriza luwalo lwe mu kulima bulungi bwansi, oba okulwawo okusasula omusolo gwa Gavumenti. Olulala nga emisango giba minene ddala. Emisango egimu nga gituuka n'okumusibya mu komera, nga ku Kasasamalo "Namba 9" akaaliwo mu 1949.

Nga ovudde ku Kasasamalo "Namba 8" akaaliwo mu mwaka 1945 Paulo Kiyingi mwe baamuwangangusiza, ate waaliwo akalala mu 1949 ke baakazaako erinya "Namba Mwenda". Kano kajja oluvanyuma nga kimaze okutegeerekeka nti abaddugavu basembeddwa okwesunsulira pamba ne mwanyi bye beerimiranga. Baagaana okutunda pamba wabwe mu Bayindi abaali bannanyini majenero (ginneries), ebyuma ebisunsula pamba ne mwanyi, mu kiseera ekyo. Nga abantu baagala bafune ebyuma ebyabwe, beesunsulire ebirime byabwe. Olwo Abayindi kwe kuyita mu baami abafuzi, batandike okuyigganya abo abaali bagaanye okutunda pamba oyo. Abantu abo nga bakwatibwa ne bawebwa ebibonerezo ebikambwe ebyabatuusanga n'okubasiba mu makomera. Ekyaddirira be bantu okwekubira enduulu.

Mu makya ga 25 Apuli 1949, abalimi n'abataka mu Buganda, nga ne Paulo Kiyingi tabuzeemu, baagenda e Mengo nga baagala balabe Kabaka bamwanjulire ebibaluma. Baagenda nga ab'ebibiina **Bataka Uganda** ne **African Farmers Union**. Baayungula ababaka munaana okutuusa ku Kabaka ensonga zaabwe. Ababaka bye baasaba ebikulu bye bino: (1) Okugoba Abakulu ba Buganda abasatu awamu n'abaami abaaliko; abantu okukkirizibwa okulonda abaami baabwe. (2) Okukkiriza okwongera ennyo omuwendo ogw'ababaka abatali batongole mu Lukiiko lw'Obwakabaka bwe Buganda. (3) Abantu basobozesebwe amangu ago okwesunsulira ppamba wabwe. (4) Okuziyiza okutunda n'okufulumya ebweru ebirimibwa kuggyibwewo. Baakungaanira ebweru w'olubiri mu kibangirizi ekyaliwo, nga balindirira ababaka baabwe byebaali balina okubaddiza okuva ewa Kabaka. Ssabasajja Kabaka teyasobola kukkiriza bye baasaba ebyo, n'alagira ababaka okutegeeza abantu badde ewaabwe. Baabategeeza naye abantu ne bagaana. Baba bakyagumbye ebweru w'olubiri Omw Besweri Mulyanti eyali omuwanika mu kiseera ekyo kwe kulagira abaserikale ba Police okubagumbulula. Abaserikale abo baakozesa omukka ogubalagala (tear gas) wamu ne mundu, era okugenda okukkakkana nga abantu abamu battiddwa, nga abalala bagendedde ku bisago. Mu kusasaana kw'abantu abo baatandika Akasasamalo Namba 9 bwe baatandika okwonoona ebintu nga bookya amayumba g'Abayindi awamu ne nyumba z'Abaami. Okugenda okukkakkana nga ne nyumba za Besweri Mulyanti, eye Makeerere ne ey'omukyalo e Kirema nga nazo zookebbwa. Mu bantu abatutumufu abaatusibwako ebisago mwe mwali Omw JW Kiwanuka Aliddeki, eyali omukungaanya w'olupapula lw'amawulire Oluganda "**Matalisi**", ate nga mutabani wa Serwano Kulubya. Olupapula olwo byerwafulumyanga mu kyapa nga abantu babiraba nga ebikolokota bye baali baluubirira, nga byeekubirira nnyo ku ludda lwa Gavumenti y'Abazungu, enkuumi.

Paulo Kiyingi ne banne bwe baddayo mu byalo, baatandika okuyiggibwa abaserikale nga basuubirwa okuba nti abaali bagaanye okutunda pamba be bamu abaali baleese akasasamalo ako, era nti be

baagenda bonoona ebintu n'okwokya amayumba. Okugenda okukkakkana nga Paulo Kiyingi e Bukatira, Samwiri Kaggulire (mutabaniwe) e Namasinda, Israel Kalibbala awamu n'abalala, bakwatibbwa. Mu kukwatibwa okwo baakubwa nyo emiggo, ne batwalibwa ku Gombolola e Kapeeka, gye bajjibwa ne batwalibwa e Bbowa ku mbuga ye Ssaza. Eyo ate gye baabajja ne batwalibwa ku Police e Kampala, gye baabateera nga ensonga zaabwe zimaze okwetegerezebwa, bejjeeredde.

12.2 Pamba ne Mwanyi Bitandika Okusunsulwa Abaddugavu

Oluvanyuma nga ebintu bimaze okutereera, era nga n'ebibiina by'abalimi n'abegassi (*Co-operative Societies and Farmers' Associations*) bimaze okusimba amakanda, Gavumenti yayisa etteeka amajenero agamu agasunsula pamba (*cotton ginneries*) gajjibwe ku Bayindi gatunzibwe Abaddugavu nga bayita mu kwewola ensimbi okuva mu banka eyayitibwa Uganda Credit and Savings Bank (kati eyafuuka Uganda Commercial Bank). Gavumenti yeyama okubateerawo akabega (*security or guarantee*). Mungeri yemu era Gavumenti yabasobozesa okugula n'okuzimba ebyuma bye mwanyi.

Pamba oyo ne Mwanyi baatandika okubitunda mu bitongole bya Gavumenti byeyatondawo, ebyayitibwanga "Lint Marketing Board" ku lwa pamba, ne "Coffee Marketing Board" ku lwe mwanyi. Omulimu omukulu Boards ezo gwezaakolanga kwe kukungaanyanga n'okutunda ebirime ebyo mu mawanga ag'ebweru, era n'okulaba nti biba bya mutindo mulungi ddala.